




40 روحانی علاج (Luganda)

# ENVUMULA 40 EZ'OMWOOYO (n'ezobusawo)



Shaykh-e-Tariqat Amir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye  
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulaana Abu Bila

**MUHAMMAD ILYAS**  
Attar Qadiri Razavi

محمد الیاس  
اتقادی ریاضی



الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
أَمَا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## E Duwa Y'okusoma Ekitabō

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye,   
:إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ

اللَّهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَأَنْشُرْ  
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

**Okuvvuunula:** Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ! Tuggulirewo olujji l'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

*(Al-Mustatraf, vol. 1, pp. 40)*

**N.B:** Saalira Nabī ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

# ENVUMULA

40 ez'omwooyo  
(n'ezobusawo)

Ekitaboo kino kyawandiikibwa mu lulimi olu Urdu Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat, ng'ono ye mutandisi wa Dawat-e-Islami 'Allāmah Maulānā Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دامت برکاتہم العالیہ. Majlis-e-Tarājim (Olukiiko oluvunaanyizibwa ku mulimu gwokuvvunula) nalwo lusazeewo okukivvunula mu lulimi oluganda. Bw'osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n'ekigendererwa ekyokufuna empeera [Šawāb].

## Majlis-e-Tarājim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

UAN: ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 1262

Email: ✉ translation@dawateislami.net

## Envumula 40 ez'omwooyo

Enzivvuunula mu Luganda eya '40 Rühāni 'Ilāj'

◆ Kino kirekeddwa mu lulimi olungereza

**ALL RIGHTS RESERVED**

Copyright © 2015 Maktaba-tul-Madinah

---

*No part of this publication may be reproduced, or transmitted, in any form or by any means, electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission of Maktaba-tul-Madinah.*

---

**1<sup>st</sup> Publication:** Jumādal Ukhṛā, 1436 AH – (March, 2015)

**Publisher:** Maktaba-tul-Madinah

**Quantity:**

### SPONSORSHIP

Feel free to contact us if you wish to sponsor the printing of a religious book or booklet for the Isal-e-Sawab of your deceased family members.

### Maktaba-tul-Madinah

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah Mahallah Saudagran,  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✉ **Email:** maktabaglobal@dawateislami.net – maktaba@dawateislami.net

☎ **Phone:** +92-21-34921389-93 – 34126999

🌐 **Web:** [www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net)

أَلْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## ENVUMULA 40 EZ'OMWOOYO

(n'ezobusawo)

### Obulungi bwa Şalât-'Alan-Nabi ﷺ

Omwagalwa era Ow'emikisa Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Oyo yenna ansaalira emirundi kikumi mu misana n'ekiro eky'olwokutaano (okuva oluvannyuma lw'okugwa kw'enjuba ku lwokuna n'eikro ky'olwokutaano), Allah عَزَّوَجَلَّ ajjakumumalira ebyetaagobye kimumi – makumi nsaanvu mubyo nga bya mubulamu obwoluvannyuma ate makumi asatu mubulamu buno obw'okunsi.'

*(Shu'ab-ul-Īmān, vol. 3, pp. 111, Ḥadīṣ 3035)*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Enzivumula 40 ez'omwooyo

Soma Şalât-‘Alan-Nabī omulundi gumu ku ntaandikwa ne kunkomerero yabuli dduwa. Okuvumula bwekutabaawo, kitwaale nga kiva mu bibiibyo mukifo ky’okwemulugunya era sigala nga oli mumativu n’okugera kwa Allah عَزَّوَجَلَّ.

1.

هُوَ اللَّهُ الرَّحِيمُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 7 oluvanyuma lwa buli Şalâh ajjakutaasibwa okuva mu bubi bwa sitaani era ajjakufiira mu bukkiriza إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

2.

يَا اللَّهُ

Obulungi bwokusoma kino emirundi 100 mu kaseera k’okweebaka, ojjakutangirwa okuva ku bubi bwa sitaani era kitaangira okulemala. إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

3.

يَا مَلِكُ

Omwaavu kwasoma kino emirundi 90 buli lunaku, ajjakuva mu bwaavu إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

4.

يَا قُدُّوسُ

Oyo yenna asoma kino nga akiddiringana mu lugeendo,tajjakukoowa إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

5.

يَا سَلَامُ

Okusoma kino emirundi 111 n'okola *Dam* ku muntu omulwadde, kijja kumuweeza إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

6.

يَا مُهَيَّبُ

Omuntu omunakuwavu kwasoma kino emirundi 29 buli lunaku, ajjakuwonyezebwa ennakuye إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.  
Ate ajjakuwona okubonaabona n'ebizibu. إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

7.

يَا عَزِيزُ

Ddingana kino emirundi 41 nga tonnaba kugeenda eri omufuzi oba omukungu nabala. Omufuzi/ omukungu oyo aja kubeera musaasizi gyooli **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.

8.

يَا مُتَكَبِّرُ

Soma kino emirundi 21 buli lunaku. Oyo aloota eby'entiisa tajakubonaabona neera kulw'edduwa eno **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**. (Ebbaanga ly'okusoma: Okutuusa lwovumulwa.)

9.

يَا مُتَكَبِّرُ

Oyo asoma kino 10 ngatanaaba kwegata na mukyaalawe ajjakufuna omwaana omuleenzi omuloongoofu **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.



10.

يَا بَارِئُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 10 buli lwakutaano, ajjakufuna omwaana omuleenzi **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**.

11.

يَا قَهَّارُ

Omuntu bwaasoma kino emirundi 100 nga alimukizibu, ekizibu ekyo kimwaanguyira okuvaawo **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**.

12.

يَا وَهَّابُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 7 buli lunaku ajjakubeera Mustajāb-ud-Da'wāt (oyo Edduwaaze ngazaanukulwa) **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**.

13.

يَا فَتَّاحُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 70 buli lunaku oluvanyuma Iwa Şalât-ul-Fajr n'emikono gye gyoombi ku kifuba, obutalavvu n'obukyaafu mu mutima gwe bijjibwaamu إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

14.

يَا فَتَّاحُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 7 buli lunaku (mu kaseera konna), omutimagwe gujjakutemagana (n'obuloongoofu) إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

15.

يَا قَابِضُ ، يَا بَاسِطُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 30 buli lunaku ajjakuwaangula abalabe be إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

16.

يَا رَافِعُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 20 buli lunaku, kyayagala kituukirira إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

17.

يَا بَصِيرُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 7 buli lunaku ku ssaawa ya 'Aşr (okuva kuntaandikwa y'okubala kwa 'Aşr okutuusa enjuba lwegwa) tajakufa lufa lwa kibwaatukira. إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

18.

يَا سَبِيعُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 100 buli lunaku ngatayogera bwaakisoma ate nasabba Edduwa, ajjakuweebwa ekyo kyonna kyasaba إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

19.

يَا حَكِيمُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 80 oluvanyuma lwa buli Ṣalāh̄ etaano buli lunaku, tajjakubeera mwetaavu.

إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

20.

يَا جَلِيلُ

Oyo asoma kino emirundi 10 nakola *Dam* kubintu bye, ebyo ebintu bijja kuumibwa era tebijja kubbibwa

إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

21.

يَا شَهِيدُ

Oyo asoma kino emirundi 21 kumakya (nga enjuba tennavaayo) nga atadde amukono ogumu ku kyenyi ky'omwaana atawulira, nga bwatunula mu ggulu, omwaana oyo ajjakufuuka muloongoofu

إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

22.

## يَا وَكَيْلُ

Oyo yenna asoma kino emirundi 7 mu ssaawa za 'Aṣr ajjakuwonyezebwa ebizibu ebya kagwiirawo  
إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

23.

## يَا حَمِيدُ

Omuntu bwaaba nga tasobola kweewala muze ogw'okukozesa ebigambo eby'obuwemu, alina okusoma kino emirundi 90 era akole *Dam* mu kikopo oba egilaasi enkalu. Oluvanyuma, alina okunyweera mu gilaasi eno yokka; omuzegwe omubi ogw'okukozesa ebigambo by'obuwemu gujjakugwaawo إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ. (Eno egilaasi ekoledwaamu *Dam* eyiinza okukozesebwa emyaaka n'emyaaka)

24.

## يَا مُحْصِي

Oyo yenna asoma kino emirundi lukumi (1000) buli kiro kyo'lwokuna (ekiro wakati w'olwokuna n'olwokutaano) ajjakuwona ebibonerezo by;omuntaana n'olunaku olw'enkomerero إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

25.

## يَا مُحْيِي

Bwooba nga olubuto lukuluma oba olina gaasi oba otya okufiirwa ekituundu kyonna ekyomubiri, soma kino emirundi 7 era wekoleko *Dam*; kino kijja kuleeta obuweweewu إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

(Ebbanga ly'okikola: Okutuusa lwowona, waakiri omulundi gumu buli lunaku)

26.

يَا مُحِييُ ، يَا مُبِيئُ

Soma kino emirundi 7 buli lunaku era weekoleko  
*Dam* eddogo terijja kukukosa إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

27.

يَا وَاجِدُ

Oyo asoma kino ku buli mumiro nga alya, emmere  
ejja kufuukamu Nūr (ekitangaala) mu lubutolwe  
era endwadde zijja kuwona إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

28.

يَا مَا جِدُ

Oyo asoma kino emirundi 10 nakola *Dam* ku  
kyookunywa nebirala, era nakinywa, tajakulwaala  
(nnyo) إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ.

29.

يَا وَاحِدُ

Oyo awulira nga tide bwabeera mu kiwuubaavu asome kino emirundi 1001 ng'ali yekka, okutya kujjakujibwaawo mu mutimagwe. إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

30.

يَا قَادِرُ

Oyo agufuula omuze okusoma kino ng'anaaza buli kitundu ky'omubirigwe ng'afuna Wuḍū, abalabebe tebajja kusobola kumuwaamba إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

31.

يَا قَادِرُ

Lomboja kino emirundi bwooba nga oli mukizibu, ekizubu kijja kujibwaawo إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.



32.

يَا مُقْتَدِرُ

Oyo asoma kino emirundi 20 buli lunaku, ajja kusigala mu kisiikirize eky'okusaasira okutukuvu  
إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

33.

يَا مُقْتَدِرُ

Oyo asoma kino emirundi 20 nga azuukuse okuva mutulo, obuyaambi bwa Allah عَزَّوَجَلَّ bujja kumuyaamba mu bintu bye byonna إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

34.

يَا أَوَّلُ

Oyo asoma kino emirundi 100 buli lunaku, mukyaala we ajja kumwaagala إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

35.

يَا مَانِعُ، يَا مُعْطِي

Omwaami bwaaba nga anyiigidde omukyaala, asome kino emirundi 20 nga atudde ku kitaanda nga tannaba kweebaka. Owaami naye akole kyekimu bwekiba nga omukyaala y'amunyiigidde. Enjawukana teja kubawo **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**. (Ebbanga ly'okukola kino: Okutuusa bwekiwona)

36.

يَا ظَاهِرُ

Wandiika kino ku kiseenge kyenyumbayo, ekiseenge kijja kukumibwa **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.

37.

يَا رُؤُوفُ

Oyo ayagala omuntu abonyaabonyezebwa ateebwe okuva k'wabo abamubonyaabonnya asome kino emirundi 10 era atuukirire oyo omulyazamaanya, omulyazamaanya ajja kukkiriza okuwolerezaakwe  
إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

38.

يَا غَنِيُّ

Omuntu bwaaba nga awulira obulumi mu mugoongo oba mu maviivi, ennyiingo oba ekitundu kyonna eky'omubiri, asome kino buli kaseera, obulumi bujjakugwaawo  
إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

39.

يَا مُغْنِي

Ng'osmye kino omulundi gumu, kola *Dam* mu ngaloozo era zisiisirize kukituundu ky'omubiri ekiruma, oja kufuna obuwewevu إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

40.

يَا نَافِعُ

Oyo asoma kino emirundi 20 nga tannaba kutaandika mulimu gwonna, omulimu ogwo guja kubalibwa nga bwayagala إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.

## ENVUMULA 15 EZ'OMUBUTONDE

### Ebintu bibiri ebikwaata ku kukuza enviiri empaanvu

1. Twaala Chebolic myrobalan (Āmlāḥ) guraamu 250, shikakai guraamu 125 n'ensigo za fenugreek (Mayṯhī Dānaḥ) guraamu 125; sekula bino byonna wamu era obutereke; nnyika egiiko bbiri ezabino mu mazzi ekiro kilaamba nga bwekyetaagisa ate onaabe mu mutwe n'amazzi gano kumakya nga omaze okugasengejja. Sigala nga okola kino lumu buli wiiki era enviiri zo zijja kukula nga mpaanvu **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**.
2. Tegeka powder wa Chebolic myrobalan (Āmlāḥ); tabulamu amazzi nga bwekisaana era kola envumbo enkwaafu, bisiige ku mutwe (awava enviiri) naazamu ng'akaseera kayise.

Okuvumulwa okw'omubutonde okw'amannyo agaluma n'ebibuno ebiziimba.

3. Ebibuno byo bwebiba nga biziimbye era nga bivaamu omusaayi oba amasira, ddira “alum” mutono omuteeke mu mazzi agabuguma, ‘alum’ bwamala okugweerera mu mazzi, teeka amazzi gano mu mannyo ne ku bibuno. Ojjakuwulira obuweweewu bunene **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.

### Envumula ez'omubutonde eza Ssukaali

4. Gaaya ensigo ttaano eza ‘cardamom’ ennen in kumakya n'olweggulo buli kanaku. Ojjakuwulira obuweweewu maangu ddala **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.
5. Twaala Chebulic myrobalan (Āmlāḥ), and n'ensigo za Eugenia jambolana (Jāmun), n'eza ‘bitter gourd’ (Karaylāḥ) mu bipimo ebyenkana

era obisekule bifuukemu obuwuunga. Lino ddagala dduungi nnyo elya ssukaari. Okukozesa akagiiko kamu oba bubiri ak'eddagala lino kiyaamba okuweweeza obulwadde buno.

### **Envumula ey'omubutoonde ey'obulumi mu nsoonga z'abakyaala**

6. Oyo awulira obulumi mu lubuto, mu mugoongo newalala, ng'ali mu nsoonga, asiige butto mu kkuundirye. Kino kijja kuweweeza obulumibwe  
*إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.*

### **Envumula ez'omubutoonde ez'okuddukana**

7. Nywa ekituundu ky'ekigiiko kya majaani mu mazzi, okuddukana kujakuwona *إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.* Olusuna lumu olw'amajaani lumalira abaana abato. Nabo bajjakuwona *إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ.*

8. Kaza ebikoola bya 'mint' (Podīnāḥ) mu musana, bisekule oteeke obuwuunga obwo mu kakebe. Bwe wabaawo okuddukana kozesa akatuundu k'ekigiiko mu mazzi kumakya n'olweggulo. Kino kijja kuleeta obuweweevu mu lubuto era okuddukana kujjakuwona **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**.

### **Envumula ey'omubutoonde ey'enyiindo evaamu omusaayi**

9. Ng'omaze okukamula omubisi gw'enniimu, teeka obutoondotoondo butono mu nyiindo zombiriri; kino kijja kulekeraawo omusaayi okuva mu nyiindo **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ**.

### **Envumula ey'omubutoonde ey'enyiindo zibye**

10. Bwooba nga enyiindo ezibye era nga ofuna obuzibu mu kussa ekiro, funa ebikoola ebiri



fureeshi ebya Neemu, biyoonje era obufuumbe mu mazzi. Teekamu omunnyo era bwebiwolamu, yumuunguza mu kamwa ofeese feese ne mu nyiindo n'amazzi gano emirundi ebiri olunaku. Kino kijja kuzibukula enyiindo **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.

## Envumula bbiri eza kasikonda

11. Bikka enyiindoyo n'akamwa ng'okozesa pepabaaga oba akaveera era binyweeze ng'omukka gwofulumya mu kamwa ne mu nyiindo tebifuluma akaveera ako; sigala ng'ossiza mu kaveera/pepabaaga eyo. Kasikonda ajjakuwona mu ddakiika emu oba bbiri **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.
12. Gaaya 'cardamom' akatono buluungi nnyo; kamire ate onywe egilaasi y'amazzi aganyogoga maangu ddala. Kasikonda ajja kuwona **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.

## Envumula ssatu ez'omubutoonde ez'omukka (gw'ebassa) oguwuya

13. Okulya obutuungulu obubisi ne katuungulu cumu bireeta omukka omubi. Lya akatuundu ka taangawuzi nga okagaayizza bulungi; mu ngeri yeemu, gaaya era omire obusigo bwa 'carom' (Ajwāin) oba 'jaggery' (Guř) oba 'aniseed' (Saunf) oba 'cardamoms' mutono, omukka oguwunya kujjakuvaawo **اِنَّ شَاءَ اللّٰهُ عَزَّوَجَلَّ**.
14. Fuumba bulungi ebikoola 12 ebya Neem mu mazzi aga 250ml, sseengeja ebikoola ate onyumuunguluze mu kamwa n'amazzi ago nga gawoze. Kitta obuwuka. Okukikola bulijjo tekiyoonja mumwa gwokka naye kijjawa n'omukka omubi.

15. Nyumuunguluza mu kamwa n'amazzi agabuguma agalimu omunnyo kubaanga ebiri mu munnyo bijjawo omukka omubi nga bijjawo obusimu (cells) obufu obw'akamwa.

### **Akatabo kano kagabire omuntu omulala oluvannyuma lwokukasoma**

Funa empeera ng'ogaba ebitabo ebifulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah ku mikolo gy'embaga, okuziika, Ijtimā'āt, 'Urs (Edduwa), Mawuledi nemilala. Funa empisa ey'okutereka obutabo obumu mu dduukaalyo obugabire abaguzibo n'okunuyirira kw'okufunamu empeera. Weereza waakiri akatabo kamu akasomesa Sunnah oba Ebimuli bya Madani eri balilwaanaabo ng'abaana bakuyaambako, ng'okola kaweeefube w'okuyita eri obuloongoofu era nga bwofuna empeera.

## OKUMULISA KWA SUNNAH

Ku lw'okusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ !, eSunnah nyingi zi yigibwa era zi-somesebwa mu mbeera ya Madani eya Dawateislami, ekibiina ekibulira Qur'an ne Sunnah mnsi yonna era ekitali kya politikisi. Kuno kusaba kwa Madani nti mwetabire mu Ijtimah ezaagazisa Sunnah ezi baawo buli wiiki oluvannyuma lwa Maghrib buli Lwaakuna mu kibuga kyo, (mu Kololo Jamia Masjid, [Kampala]) n'enniya ey'okufuna okusiimibwa kwa Allah عَزَّوَجَلَّ .Ne Niyyah ey' okufuna empeera, kiteeke mu puruguraamu zo okutaambula ne Madani Qafilah ezi kubiriza okukolera ku Sunnah, na'baagazi b'Omutume صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ .juzzaamu akatabo ka Madani In'amaat buli lunaku ng'okola Fikr-e-Madinah era okaweeyo eri oyo Zimmadar (avunaanyizibwa kubutabo obwo owa Dawateislami) mukifoo kyo. Emikisa n'obulungi ebiri mu kino; ojakufuna endowooza n'obwaagazi oba okuyaayaanira okukolera ku Sunnah, okutamwa ama-zaambi n'okukuuma obukirizaabwo, **إِنَّ هَذَا اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ** Buli owoluganda omusiraamu ayina okufuna endowooza eya Madani nti: "Nnina oku-lafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna, Oku-longoosa emyooyo gyafe, tuyina okukolera ku Madani In'amaat ate oku-longoosa abantu b'ensi yonna, tuyina okutaambula ne Madani Qafilah **إِنَّ هَذَا اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ** .



www.dawateislami.net



MC 1286

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 1262

Web: www.dawateislami.net | E-mail: translation@dawateislami.net